# URSB ewandiisizza bizinensi 124,900 mu myaka 5 n'ekung'aanya ssente obuwumbi 312

Bya EMMANUEL SSEKAGGO
ne JOHN RICKS KAYIZZI

EKITONGOLE ekivunaanyizibwa ku kuwandiisa ebintu eby'enjawulo mu ggwanga ekya Uganda Registration Services Bureau (URSB) kiraze obuwanguzi bwe kituseeko mu bbanga lya myaka etaano egiyise era ne kikakasa nti, mu bbanga lino Bannayuganda bongedde okuwandiisa bizinensi zaabwe nga beeyambisa obuyiiya ne tekinologiya bye kitaddewo.

Akulira ekitongole kino, Mercy K. Kainobwisho yasoose kulaga Bannayuganda ebirungi ebiri mu kuwandiisa bizinensi zaabwe omuli okuba nga kisobola okukwanguyiza okwewola ssente ez'enjawulo ez'okwekulaakulanya, omukisa gw'okufuna kontulakiti okuva mu Gavumenti mu nkola ya 'Buy Uganda Build Uganda' ate nga bino byonna bwe bibaawo ne Gavumenti eba yeeyongera okufuna omusolo.

Mu lipoota ey'emyaka ettaano eyafulumiziddwa, yalaze nti, mu bbanga lino URSB ewandiikiddemu bizinensi empya 124,900. Bizinensi zino empya zaawandiisibwa okuva mu mwaka gw'ebyensimbi ogwa 2020/21 ne 2024/2025 ekintu ekitumbudde ennyo ebyenfuna mu ggwanga.

Lipoota eno eraga ebiyambye Bannayuganda okujjumbira okuwandiisa bizinensi zaabwe mu URSB omuli okweyambisa tekinologiya ow'omulembe, okuteekawo enteekateeka ez'enjawulo ezisikiriza abantu okuwandiisa bizinensi zaabwe wamu n'enkola ez'enjawulo ezanguya enkola y'emirimu mu kitongole.

Bizinensi zino ezeewandiisa, zeeyongera ebitundu 19.5 ku buli 100 bw'ogeraageranya ne bizinensi ezaawandiisibwa emyaka etaano egyayita. Kino kivudde ku kuba nti, abantu bongedde obwesige mu kitongole ate ne Gavumenti okuteekawo enkola ezaagaziza abantu okuwandiisa bizinensi zaabwe.

URSB era yasobozesa Gavumeni okufuna ssente eziwera obuwumbi 312.8 nga tezivudde mu musolo era wano ekitongole kino kyatuukiriza ebigendererwa byakyo ebitundu 98 ku buli 100.

Kainobwisho yagambye nti, ensonga lwaki ekitongole kino kisobodde okukolera ddala obulungi, ye kaweefube waakyo gwe kyateekawo ow'okuva ku nkola enkadde mu kuwandiisa bizinensi z'abantu ne kidda ku nkola ey'omulembe etambulira ku tekinologiya.

Yayongeddeko nti, beewa ebirooto eby'amaanyi eby'okutuukiriza kino ne kibawa amaanyi okukola era ne babituukako kyokka nga mu byonna bakulembeza buweereza eri Bannayuganda.




Minisita w'ebyamateeka Norbert Mao (owookubiri ku kkono) nga yeegattiddwako ssentebe w'olukiiko olukulira URSB Francis Butagira (ku kkono) ne Kainobwisho (owookusatu ku kkono) mu kutongoza kaweefube wa URSB ow'okuwandiisa bizinensi mu ggwanga.

### OKWEYAMBISA EBYUMA NE TEKINOLOGIYA MU NKOLA Y'EMIRIMU

Kainobwisho agamba: Ekimu ku biyambye ekitongole okugenda mu maaso n'okuwandiisa bizinensi ennyingi ate mu kiseera ky'oyinza okuyita ekitono, kwe kukozesa tekonologiya n'amagezi ag'ekikugu mu nkola y'emirimu. Kati omuntu tekikyamwetaagisa kujja ku ofiisi nti, awandiise bizinensi, akikolera ku mutimbagano ng'asinziira yonna gy'ali.

Enkola eno teriiko budde, essaawa 24 zonna eziri mu lunaku osobola okuwandiisa bizinensi yo. Kitegeeza nti, tukola misana na kiro. Mu nkola eno, osobola okuwandiisa erinnya lya bizinensi yo mu ddakiika 30 zokka, wano tuba tumaze okufuna ebikukwatako okuva mu kitongole kya NIRA ate n'okuva mu kitongole ky'omuslo ekya URA. Okukwatagana n'ebitongole bya Gavumenti ebirala, kyanguyizza nnyo emirimu gyaffe.

### OKUWANDIISA ABANTU OKW'OMUGGUNDU

Mu mwaka gw'ebyensimbi ogwa 2023/2024, ekitongole kyaffe kyatongoza kaweefube ow'okuwandiisa bizinensi z'abantu okw'omuggundu oba gamba okw'ekikungo era twatambula ebitundu by'eggwanga byonna nga tugenda tuwandiika bizinensi z'abantu entonotono mu biseera eby'emabega ezitaafiibwangako.

Mu nkola eno, twatuuka mu buli disitulikiti na mu buli kibuga okwetooloola eggwanga nga tugumba mu kifo okumala ebbanga, ne tusomesa abantu ku bulungi bw'okuwandiisa bizinensi zaabwe n'oluvannyuma ne tuziwandiisa ekintu ekyayongera ennyo okutwettaniza abantu. Enkola eno yatusobozesa okuwandiika bizinensi nnyingi oba oli awo ezitandiwandiisiddwa singa tetwatwala buweereza buno mu bantu butereevu.

### ENKOLA Y'EMISINGO GY'EBINTU EBIKALU EYANGUYIZZA ENKOLA Y'EMIRIMU

**Okuwandiisa ebintu ebikalu gamba ng'ekiraalo ky'ente, ebyuma eby'enjawulo gamba ng'emmotoka n'ebirala ebigwa mu kkowe eryo mu nkola emanyiddwa nga Security Interest in Movable Property Registry (SIMPO) esobozesezza abantu okwetuusaako ebintu eby'enjawulo omuli n'okwewola ssente ez'okukozesa bizinensi zaabwe ez'enjawulo. Abakugu bagamba nti, enkola eno eyatandikibwako eyambye nnyo mu kuleeta enkulaakulana mu bitundu era bangi bagyenyumirizaamu.**



Akulira URSB, Mercy K. Kainobwisho ng'annyonnyola.

URSB
UGANDA REGISTRATION SERVICES BUREAU

### Okuteekawo akakiiko akavunaanyizibwa ku biyiiye obutereevu

Obuyiiya obulala obw'amaanyi obwateekebwa mu URSB kwali kutondawo akakiiko akeetongodde akavunaanyizibwa ku biyiiye mu ggwanga. Mu biseera eby'emabega, okuwandiisa ebiyiiye kwali kugattibwa n'ebintu ebirala, obwetaavu bw'okuwandiika ebiyiiye bwe kweyongera ate naddala ng'abayiiya beeyongedde naddala abakolera emirimu gyabwe ku yintaneeti, twasalawo ne tubateerawo akakiiko ak'enjawulo munda mu URSB akakola omulimu guno era kakoze omulimu ogutagambika.

Akakiiko kano kaaweebwa obuvunaanyizibwa okuteeka amaanyi mu kukuuma obwannanyini bw'ebiyiiye ate nga bwekatumbula obuyiiya, okukuuma eby'obuwangwa. Kano kakoze nnyo mu kiseera kino ng'abayiiya beeyongeredde ddala.

### ENTEEKATEEKA ENNAMBULUKUFU MU KUWANDIISA EBIBIINA

URSB era yayongera okufuuka ey'enkizo bwe yateekawo kaweefube ow'enjawulo ow'okuwandiika ebibiina eby'enjawulo gamba nga ebitongole by'enzikiriza, ebibiina by'obwegassi ebitereka n'okuwola ssente, Abayima b'ebintu eby'enjawulo, ebibiina by'obwannakyewa n'ebirala ebigwa mu kkowe eryo.

Ng'entereeza eno tennabaawo, ebitongole ebyo ebimenyeddwa wagulu byawandiisibwanga mu bifo bya njawulo ekyakaluubirizanga mu kubigoberera obulungi. Naye kati nga biwandiisibwa mu kifo kimu ekya URSB, bisobola okugobererwa n'okulondoolwa obulungi.